**23/02/2020**

## TWASONYIYIBWA NE TUTUKUZIBWA

## OKUBALA 5, 6

### Chapter 5

**Vs 1-4** Abagenge, abakutte ku mufu, n'abekikukulukuto baafulumizibwanga ebweru w'olusiisiira.

Tumanyi nti Mukama asobola okuwonya endwadde zonna, lwaki bano teyabawonya buwonya okusinga okubafulumya ebweru w'olusiisiira?

Enkola za Katonda tetusobola ku zimalayo ku buli kimu era ye alina bye yeesigaliza nga ye.

**Vs 5-10** Omuntu yenna eyasobyanga munne; yalinga asobezza Mukama;

- Yalingako omusango, n'olw'ekyo yayatulanga ekibi ky'akoze.
- Ate n'aliwa olw'ekibi ekyo.

**Vs 11-31 Etteeka ku bbuba**

Omukazi eyabaliganga (eyayendanga) n'atamanyibwa oba eyateeberezebwanga okubaliga, bbaawe yamutwalanga eri kabona ng'amutwalirako ekiweebwayo eky'okujjukiza nti waliwo omusango (1/10 ekya efa = liita bbiri) ey'obuwunga obw'emmere eyitibwa sayiri.

Kabona yayimirizanga omukazi mu maasso ga Mukama; yakwatanga amazzi amatukuvu mu jaagi, n'agassaamu enfuufu eyakunganyizibwanga okuva wansi mu Weema ya Mukama.

- Yasumululanga enviiri ze n'amukwasa ekiweebwayo ekiraga nti waliwo omusango (sayiri)
- Kabona yakwatanga amazzi agakaawa agaleeta ekikolimo
- Omukazi yalayizibwanga; singa yalinga tayenze amazzi ago tegaalinga ga kumukola kabi ate singa yalinga ayenze, amazzi gaamuletangako ekikolimo.
- Ekikolimo kyalabikiranga mu kuzimbya ekisambi n'olubuto.
- Ebikolimo bino kabona yabiwandiikanga ku muzingo n'abyozaako mu mazzi agakaawa.
- Yamuggyangako ekiweebwayo n'akiwuuba mu maaso ga Mukama n'akireeta ku kyoto.
- Kabona yayoolanga olubatu ku kiweebwayo kino n'akyokya ku kyoto olwo n'anywesa omukazi amazzi agaleeta ekikolimo.
- Bweyabanga yayenze, ekikolimo nga kimukwata ate era n'afuuka ekikolimo eri abantu be. Bweyabanga tayenze n'aba waddembe.

Enkola eno yayambanga okumalawo enkola ya kanneemu kanabbiri mu kugonjoola ensonga era yaleetanga obwesigwa, obutawaayiriza, emirimbe mu maka ate ng'egonjjola n'enkaayana.

Kabona yalingawo okukakasa nti omuntu ayonoonye oba tayonoonye.

Yesu Kristo kabona asinga obukulu teyajja kusalira nsi musango. Ffenna twayonoona naye omulimo gwe leero kwe kutuwa okusonyiyibwa atutabaganye ne Katonda.

**Yokaana 3:17 "Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango, wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye. Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda. Era guno gwe musango nti: Omusana guzze mu nsi, kyokka abantu ne baagala ekizikiza okusinga omusana, kubanga ebikolwa byabwe bibi.**

**Yoaana 8:10-11 'Awo Yesu n'akutaamulukuka ate, n'abuuza omukazi nti, "Abakuwawaabira baluwa?" Omukazi n'amuddamu nti, "Mukama wange, tewali n'omu." Yesu n'amugamba nti, "Nange sikusalira musango kukusinga. Genda, naye toddangayo okwonoona."'**

Obujulizi bw'okwonona kwaffe weebuli olw'ebyo ebyakuvaamu nga Adamu ne Eva bamaze okwonoona era naffe oba tulina ebibi ebirabika, ebitalabika wamu n'ebiteeberezebwa, amawulire amalungi gali nti Yesu Kristo mu makkati g'obujulizi yatwejjeereza era mu ye tuli baddembe.

Naye obubaka bw'alina leero bwa " **naye toddangayo kwonoona**"

**Chapter 6 Etteeka ery'obweyamo obw'omunnazaalayiti**

**Vs 1-12** -Teyanwanga kitamiiza wadde ebyo ebiva mu muzabbiibu

- Teyamwebwangako nviiri wadde ekirevu
- Teyasembereranga muntu afudde; bwewabangawo afudde ekibwatukira ng'amuliraanye, yafuukanga atali mulongoofu. Yetaaganga okutukuzibwa era nga mu kumutukuza bino wammanga byakolebwanga;

i) Yamwanga omutwe gwe ku lunaku olw'omusanvu.
ii) Yatwalanga amayiba abiri oba enjiibwa bbiri eri kabona. Kabona yawangayo ekimu kw'ebyo ng'ekiweebwayo olw'ekibi n'ekirala ng'ekiweebwayo ekyokebwa.
iii) Yeewangayo ebbanga lyeyeeyama era nga yawangayo endiga ennume ento olw'okusingibwa omusango
iv) Ennaku ze ezaasookanga tezaabalibwanga kubanga yafuuka atali mulongoofu

Obutali bulongoofu obugenderere n'obutali bugenderere bwajjangawo obulongoofu bwe.

**Vs 13-21 Ebbanga ly'obweyamo bwe nga liweddeko;**

- Omunnaazaalayiti yaleetebwanga ku mulyango gwa Weema ya Mukama n'awaayo ebirabo eri Mukama; omwana gw'endiga omulume ng'ekiweebwayo ekyokebwa,

n'omuluusi ng'ekiweebwayo olw'ekibi, endiga ennume olw'ekiweebwayo olw'emirembe, ekibbo ky'emigaati egitali mizimbulukuse, kkeeke ezikoleddwa mu buwunga, n'obusukuuti obw'oluwewere.

- Kabona yabireetanga eri Mukama n'awaayo ebiweebwayo olw'ekibi, ekyokebwa n'olwemirembe.
- Yamwanga enviiri ze ez'obuwonge n'azissa wansi ku muliro gw'ekiweebwayo olw'emirembe.

Oluvannyuma kabona yaddiranga omukono gw'endiga omufumbe, kkeeke, n'akasukuuti n'abikwasa Omunnazaalayiti; kabona yabiwuubanga ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa eri Mukama olwo n'ebiweebwa kabona.

Oluvannyuma lwa byonna, Omunnazaalayiti yalinga waddembe okunywa wayini.

- Omuwonge obutukuvu bwe bwasalangawo by'alina okukola ne byatalina kukola. Enkolagana gyetulina ne Katonda omutuvu erina okusalawo biki byetukola n'engeri gyetubikolamu.
  **Eky'okulabirako**; Okumanya kwa Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo ekisuubizo kya Katonda okubawa ensi y'Abakanani kyasalawo ebintu bingi mu bulamu bwabwe.

**Olubereberye 24:7 "Mukama, Katonda w'eggulu, eyanzigya mu nnyumba ya kitange, mu nsi mwe nazaalibwa eyayogera nange era n'andayirira nti, 'Ezadde lyo ndiriwa ensi eno,' alituma malayika we n'akukulembera owasirize mutabani wange omukazi era omuggyeyo."**

Buli omu kuffe yeetaaga okutuuka ku ddaala nga enkolagana yaffe ne Katonda esalo buli kimu mu bulamu bwaffe.

Okutukuzibwa kwaffe olwaleero si kwa kukuza nviiri birevu, kwewala kukwata ku bafu; okutukuzibwa kwaffe n'okwawulwa kwaffe kuva mu kwenenya bibi byaffe ne tukkiriza okuba n'obulamu obuggya mu Kristo Yesu.

Okwewaayo okutambula ne Yesu Kristo ppaka ku nkomerero; ky'ekiseera ky'obwayamo bwaffe era tekiddirizibwa nga bwetulabye eky'Omunnazaalayiti.

Kristo Yatunaaza na musaayi gwe era ng'ayongera okututukuza okuyita mu kigambo kye atufuulire ddala abatukuvu be.

**Abaefeso 5:25-27 "Nammwe abasajja mwagalenga bakazi bammwe nga Kristo bwe yayagala Ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo. Yaginaaza n'amazzi, n'agitukuza n'ekigambo kye, alyoke yeefunire Ekkanisa ey'ekitiibwa, eteriiko bbala wadde akamogo oba ekintu kyonna ekikyamu, wabula ebeere entukuvu, etuukiridde."**

Mukama atwawudde ku lw’obulamu obutaggwaawo naye era atwawudde okubeera abaweerezaabe.

Ekitufuula abaweereza ba Katonda omutuku kwekuba abaweereza mu butukuvu nga bwebumu ku bujulizi obutandikibwako nti tuweereza Katonda omutuku, ow’entiisa ate owaamaanyi.

Tekikola makulu okwogera ku Katonda omutukuvu nga ate ffe obulamu bwaffe bwegaana okuba nti bulina Katonda omutuvu.

**Zabbuli 15 “Ayi Mukama, ani anaabeeranga mu nnyumba yo? Ani anaatuulanga ku lusozi lwo olutukuvu? Oyo ataliiko kya kunenyezebwa, akola eby’obutuukirivu, era ayogera eby’amazima nga biviira ddala mu mutima gwe. Olulimi lwe talwogeza bya bulimba, era mikwano gye tagiyisa bubi, so tasaasaanya ŋŋambo ku baliraanwa be. Anyooma ababi, naye abatya Mukama abassaamu ekitiibwa. Atuukiriza ky’asuubiza ne bwe kiba nga kimulumya. Bw’awola tasaba magoba; so takkiriza kulya nguzi ku muntu yenna. Oyo akola ebyo aliba munywevu emirembe gyonna.”**

Vs 22-27 Engeri kabona gye yali ow’okusabangamu abantu omukisa.

Omukisa guno ogwasabibwanga gwassanga erinnya lya Mukama ku baana ba Isirayiri era Mukama yabawanga omukisa.

Mukama b’ataddeko erinnya lye baba baamukisa.

Tujjukire era tusabe Mukama kibeere kitundu ku bulamu bwaffe nti;

Twasonyiyibwa naye tuleme kudda mu nsobi zaffe ezedda

Era tujjukire nti tuli baawule abalina okutambulira mu butuukirivu obugwanira Katonda omutukuvu gwe twakkiriza.